*P360/2*
*LUGANDA*
*Paper 2*
*3 hours*

*July/Aug 2022*

# ***KAMSSA*** JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Advanced Certificate of Education**

LUGANDA

(Okukyusa, Emboozi, Okusoma bwiino n'okufunza)

**Olupapula Olwokubiri**

Essaawa Ssatu

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina: A, B,C ne d*
- *Ebitundu A,Cne D bya buwaze.*
- *Mu kitundu B oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Fuba oddemu nga bwolagiddwa mu buli kitundu*

***© 2022 Kampala Integrated Secondary Schools' Examinations Bureau*** ***Turn Over***

## EKITUNDU A

1(a) kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. **(Obubonero 15)**

The Kikuyu highly valued the practice of men marrying many wives in that they saw the Christian approach to marriage as completely unacceptable. Many reasons were presented to support this marriage custom.

When a man married several wives it was an indication that he was prosperous. He would have to possess plenty of land, numerous cattle, goats and sheep before he would be considered to 'buy' many wives. There was an idea too, that a wealthy man should have plenty of children so that they could manage all his property when he died. Many wives were needed to bear and bring up such children.

Epidemics were frequent occurrences amongst the traditional Kikuyu and whole families were known to have been destroyed by these calamities. So the idea of having a big family had its logic-there was more chance that somebody would remain in a family of many wives and many children to continue the family tree.

When a man married several wives and finally discovered that he could not give them children, he would marry a divorced mother in the end who would bring her children into his home. They became his children and everyone else in that home tried to live as if they all one family.

**(EXTRACTED FROM :AN AFRICAN PASTOR BY E.N WANYIKE)**

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu luzungu. **(Obubonero 15)**

Obwo bwonna obujjulizi nabwebagajja ne mbutwala mu boobuyinza.Olwo kyali kirabika nti omusango ngufumbiikirizza.Harriss yyanjozayoza bya nsusso ng'alaba mmukoledde ku musango ogwali gujja okumumala obwoya ku ntumbwe.So ate nze nga ngumalidde mu nnaku Ssatu zokka.Abantu bangi bankulisa nga bagamba nti "Owonye omusanga ogwo kubanga ffe twali tugusiba ku ggwe"Abalala bampa n'ebirabo

Omulimu gwe nali nsigazza kwe kutegeka mu buwandiike ebyo byonna bye nali ηηenda okukwasa abalamuzi.Ate n'ekirala kwe kwozesa ebifaananyi bye nakuba n'okubizimbulukusa biryoke biyambe mu bujulizi.Eky'omikisa Lugaba yankwtirako byonna ne birama,so nga byakubibwanga kiro.Naye ebyo byonna nga sinnabikola nzijukira ekyobeera ekyankwata ku lunaku Olwokusatu nga ndi ewa taata.

Olwatuuka awo bwe nti nga naakava eri ewa kikukuya ne bampa emmere.Nagiryako kitono nga muli ennaku eyagala kunzite.Olubega nalyako lumu ne ηηenda neebaka.Bwenatuukayo mu buliri nabulwa yadde empeke y'otulo mu liiso.Ne mbeera omwo mu bikunta nga nkulungutana.Najjukira engeri gye nasanga Lukido ku tttale nga yaakabebbera okugenda ezzirakumwa.okwo ne ngattako n'okujjukira engeri omusinde gw'emmundu gye gwabuukula ate ne guwawaala.

***(Bisimbuddwa mu kikonyogo aka C.G.Kiwanuka Musisi)***

**EKITUNDU B**

Kola 2(a) oba 2(b)

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 300-400. **(obubonero 30)**

(i) Ekyalo kyajjula ekiyongobero.

(ii) Abatuusa ebbugga beerabira embooge.

(iii) Enkola ya kyegabira emmere (self service) ku mikolo esaanidde okuwerwa. Kubaganya ebirowoozo.

(iv) Obugunjufu bw'omuganda mu kukuuma omukwano.

**OBA**

(b) Ku mitwe gino wammanga londako ebiri buli gumu oguwandiikeko nga bw'olagiddwa. **(obubonero 15)**

(i) Wandiikira mukwano gwo abeera mu Ethiopia ebbaluwa mu Luganda ng'omuttottolera ebirungi ebiri mu muzannyo gw'ebika bya baganda. **(Ebigambo 150)**

(ii) Ggwe Ssentebe w'olukiiko olwakwasibwa omulimu gw'okunoonyereza ku nsonga ez'enjawulo ezivaako obutabanguko mu maka mu Yuganda yattu ensangi zino: Wandiika alipoota ekwata ku ebyo bye mwazuula n'olukiiko lwo. **(Ebigambo 150-200)**

(iii) Wandiika omuko mu mawulire ng'olabula bavubuka banno akabi akayinza okubaviira mu kwetaba mu nsonga z'okwegatta nga bakyali bato. **(Ebigambo 150-200)**

(iv) Ggwe wakiikirira bazadde ba Mwana Muwala Nabiddo ng'agenda mu ddya. Wandiika ebigambo by'onaayogera ku mukolo gw'embaga yaabwe ng'osibirira Nakakaawa entanda ku bbaawe basobole okusiimira n'okweyagalira mu bufumbo bwabwe. **(Ebigambo 150-200)**

. (b) Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. **(obubonero 20)**

**OBULAMU BWA MUTEESA MU BUWANGANGUSE:**

Ssekabaka Muteesa II bwe yali mu Bungereza yasooka kusula mu Kalina ey'amatendo nga eriraanye White hall ekiseera kyatuuka ne yeekengera nga obulamu bwe alaba tebulina bukuumi bumala nga era Obote n'Abaganda abaali banywanyibe, bamulondoola bamuttireyo kwe kusalawo okweyongerayo mu kifo Basingtoke mu nnyumba amakula mu kifo ekisirifu ng'avaayo kugenda ku ssomero lya Mutabani we

Tonnie Mutebi e Kings Mead Public School e Sussex. Oluvannyuma yamutwala mu Bradfied lye yalimu nga Omuddugavu yekka.
Nazaannya nga naye ku mupiira, cricket ne squash nga bali ne mikwano gya mutabani we gattako n'okumubuulirira ku bizibu ebyali bimutta n'okwemala ettuula wamu n'ekiwuubaalo nga era tagwa kuyimba mu kkanisa buli lwa Sande.
Yawandiika ekitabo ekiramba ekikwata ku bulamu bwe n'obwakabaka bwe (Desecration of Kingdom) ekivvuunulwa nti, "Okuvvoola Obwakabaka bwange" nga era tannakisa mukono yali amaze n'okuwandiika enjatula y'ennyimba zomu kkanisa naye kyali tekinnafulumizibwa.

Kigambibwa nti yaterange n'okukola emirimu egy'okulabirira bannamukadde ng'abayamba mu kino na kiri afune ku nsimbi n'okubaako ky'akola.
Nga Bungereza egaanyi okumuwa ku nsimbi ng'asonderwa mikwano gye egyamuli ku lusegere. Abantu be baagendanga omulabako n'okumusanyusaamu nga era eyo gye yabategeerezanga entakera nti luliba lumu n'adda ku butaka mu abo abaamulambulanga mwe mwali mukyala Sugra Visram Namubiru omuyindi nfa nfe we ne mutowe Omulangira H. Henry Kimera.

Bangi mikwano gye bannamagye b'e Bungereza aba Granadiei Gurards be yasoma nabo baamuyamba nnyo mu biseera eby'obuwejje nga era bamusaba addeyo mu magye e Bugereza kuba yali muzira ate omujjukizi ennyo n'akigaana.

Abantu bangi nnyo baamukyaliranga n'okumuyamba okumukolera ku mirimu n'ekumunyumiza ku mboozi ne bye balaba mu kibuga London n'ebyo bye bawuliza okuva mu nsi y'e Yuganda. Obote n'abasajja be abakessi baagezaako nnyo okukola kyonna ekisoboka okulaba nga bamukaluubiririza obulamu; waakiri bamutemule aleme kudda mu nsi ya boobwe nga anti abaganda bangi gwe bafiirako era nga yeezira kukumanya nti, oyo akukuta ne Muteesa nga amuttirawo oba kumuggalira mukkomera.

Nnakitegeerako nti Ssekabaka Muteesa II yalina enteekateeka ze zino tebaazimuganya. Abaganda abatono bakalinkwe olwabitegeera ne babigamba Obote ne basala magezi agamutta mubwangu. Waaliwo n'omwami omu ow'e Wandegeya eyali omututumufu mu kitundu yatuuka n'okuziika omwana we owoobulenzi nga mulamu Obote asobole okuwangula olu talo n'okwenywereza mu buyinza kale bakalinkwe tukyabalina mu Buganda nammwe mu bamanyi. Ye ate bali ba Jjaasi abaasala ebbujje ery'emyaka esatu mu maaso ga Musolooza oluvannyuma ne baliziika nga balibisseeko ekibbo ku mutwe Obote asobole okuwangula.

Waliwo n'eyali mukwano gwe Hajj eyalina ente ze mu bitundu by'e Mubende Muteesa bwe yalaba ng'ali bubi mu by'ensimbi kwe kumut umiza amutundireko ezimu amuweereze ku nsimbi oli yamweddiramu nti Obote yazirya ate ng'alimba n'akati akyazirina omusajja wa UPC OYO, kati mukulu mu bufuzi bwaffe buno obw'ennono tyanga abantu.

**Ebibuuzo**

(i) Nnyonnyola ebintu eby'enjawulo Muteesa bye yakolanga ng'ali mu buwaŋŋanguse. **(obubonero 06)**

(ii) Leetayo ebintu eby'enjawulo abantu abaateranga okukyalira Muteesa ng'ali mu buwaŋŋanguse bye baamugamba. **(obubonero 04)**

(iii) Nnyonnyola ebintu eby'enjawulo Obote ne basajja be bye baakola okulumya Muteesa ng'ali mu buwaŋŋanguse. **(obubonero 04)**

(iv) Menyayo ebikolobero eby'enjawulo bibiri abaganda bakalinkwe bye baakola Obote asobole okwenywereza mubuyinza n'okuwangaala. **(obubonero 02)**

(v) Nnyonnyola amakulu agali mu buli kigambo nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye.
(i) Ensi ya boobwe
(ii) Ebbujje
(iii) Nfaanfe
(iv) entakera

**(obubonero 04)**

## EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 120. (obubonero 20)

Nagenda nkiiba ennimiro,nga bwe neekengera okutuusa lwe natuukira ddala ewa Waddanga.olwokubanga nali sirina we nnyinza kwekisa neewaayo ne ntebenkerera ddala mu luggya nga ninga agenda okugenyiwa.Nali naatera okutuuka ku nju ne ntandika okukowoola.Nalaba tewali ampuuna eby'okuyita ne mbivaako,ne ntandika okulingiriza n'okwekkaanya buli kimu ekyali awo mu luggya.

Awo mu luggya wakati waaliwo emikululo gye mmotoka entono.gyali gifaanana ng'egyalekebwawo mu kiro ekyali kyakayita,kubanga tegyalimu yadde ekiigere ekirinnyiddwamu.Nagirondoola ndabe gye gyali giraga.Bwe gyagguka mu bulungibwansi ne gimenya ne gidda ku ludda lwe Kampala.kwe kugamba nti gikwata liraga eri ku nnyanja.kino kyali kyangu okuzuula kubanga mu kkubo omwo mwali temutera kuyita mmotoka.Egyo nno ne ngireka ne nzirayo emabega neetegereze ebintu ebirala.

Enju ya Waddanga yali ya mabaati ate ng'ebisenge bya ttaka n'emmuli Amadirisa wewaawo gaali tegannawangibwamu ,naye byo ebituli byago byali birekeddwawo nga bakuba obudongo.Mu bituli omwo mwali musembekeddwamu essanja,kyokka nga lyonna liragaya.Oluggi lw'ennyumba eno lwali lwa bibo ebitaakwatagana bulungi ne binnaabyo.
Bwe nayisa amaaso mu myagaanya gy'ebibo ne ndyoka ndaba ebyali mu nda.Eno ku ludda olw'ekisenge ekya bbugwe,okuliraana oluggi olufuluma,we waali olubaawo

oluwanvu olwenkana n’ezituulibwako mu masomero.Mu ddumbiizi we waali akameeza akatono ,ate ku ludda olwa ddyo ng’otunuulidde eennyumba ye yali akakeeka n’eddiba ebiddugavu.mu mulyango oguyingira eri mu lukuubo,oguva eno mu ddiiro,mwali temuli luggi,wabula nga mutimbiddwamu akagoye aka kipaapaali.Ebintu ebirala ebyali mu nju saasobola kubiraba olw’akazikiza akaali kawerakoEbyo bye nalabako bye byamala ne nzira ku byali ebweru “Nnyama ntono,okaayana eri mu nkwawa”mba kwekunya nnannyinimu n’ansanga osanga ebirala sandibirabye.

Awo ku lubalaza we waali eryato lugogoma eritaalimu kintu kyonna okuggyako ekitentegere ekyali kisuuliddwamu.Waggulu ku nju,na wansi we wali eryato,ye yali oluseregende lw’ebita.Byali bisimbye lwa kasota ng’oluzzi lw’ekisasi bwe lugenda,ensonda ye nju nga bw’eweta,nabyo bwe byagendera ddala okutuuka emmanju.Wano nno natandika okwewuunya ebita ebyo byonna omulimu gwabyo;aaaa Waddanga erinnya lye lyamutuuka,kale omwenge gwe yayiisana mu bita ebyo yagutwalanga wa?Anti yanywanga munywe.
Nagenda mbalaamiriza ku lusebenju nga bw mbala ebita ebyo mmanye obungi bwabyo.Nali mpeta bwenti ku nsonda ey’emmanju ne ndaba omuntu eyali atudde ku mugogo ng’ayota akasendabazaana.Eno eyali ennyumba yali akubyeyo amabega,ng’ataddeko olugoye .olw’obutayagala kweyonoonera ntegeka yange,saalinda kumwetegereza kusinga awo,si kulwa nga andaba.okuva awo natambula buggererggere. Bwe natuuka mu luggya emisinde ne giddiηηana.Pirya,pirya,pirya,pirya,ekiwummulo ku muluka.Nasanga owoomuluka ali awo mu luggya anuusa bugolo nga bw’akuba emyasi egy’okumukumu.yasanyukanga nnyo buli lwe yandabangako.Kubanga yamanyanga nti nnina eby’okumseetulira.Mange saamulumyanga era nga nga mmumalirayo buli kye nalabanga nga kisaanidde okumubuulira.Bwe ηηamba bwentyo sigamba nambuuliranga buli kimu.waliwo bye nalabanga nga bya kyama.

***BIKOMYE WANO***